

335/1
LUGANDA
Paper 1
July/August 2018
2 hours



WAKISSHA JOINT MOCK EXAMINATIONS

Uganda Certificate of Education

LUGANDA

(Okuwandiika embooji, okufunza, okukyusa, ggulama n'ebisoko)

Olupapula olusooka

Essaawa bbiri (2)

EBIGOBERERWA:

- Olupapula lulimu ebitundu bibiri: A ne B.
- Mu kitundu A, mulimu nnamba 1(a) ne (b). Londako (a) oba (b).
- Mu kitundu B, mulimu nnamba 2 ne 3. Nnamba 2, londako (a) oba (b).
- Nnamba 3 yonna ya buvaze.

EKITUNDU A

Kola nnamba 1(a) oba 1 (b) mu kitundu kino.

1. a) Londa omutwe gumu kugikuweereddwa oguwandiikeko emboozi etakka wansi wa bigambo 400. (Buli mutwe gwa bubonero 50)
- i) Okulundira enkoko mu biyumba ky'etaagisa nnyo ensangi zino. Kubaganya ebirowoozo.
 - ii) Enkuba y'anzaalira leenya.
 - iii) Abalungi ndagala nnamu...
 - iv) Engeri y'okutangiramu abayizi okwediima/okwekalakaasa mu masomero.

Oba

- b) Ku mitwe gino londako ebiri buli gumu oguwandiikeko emboozi nga bw'olagiddwa. (Buli mutwe gwa bubonero 25)
- i) Wandikira ssentebe wa LC III ng'omutegeeza ebintu ebirina okukolebwa okusobola okulongoosa amakubo agoonoonese ennyo olw'enkuba etonnya olutakya. (Kozesa ebigambo 150)
 - ii) Weefuule omukulembeze mu kika ekimu onnyonyole abantu b'ekikaakyo obukulu obuli mu kutuuzza enkiiko z'ekika mu Yuganda ya leero. (Kozesa ebigambo 200)
 - iii) Osabiddwa okuwandiika alipoota ku kunoonyeeza okwakolebwa ng'onnyonyola ebizibu abantu abakozesa abakozi b'awaka bye basanga. (Kozesa ebigambo 200)
 - iv) Wandika omuko mu mawulire ku ngeri y'okutangiramu okutyoboola eddembe ly'abaana mu Uganda. (Kozesa ebigambo 200)

EKITUNDU B

Kola ekibuzo 2(a) oba 2(b)

(Buli kibuzo kya bubonero 20)

2. a) Funza ekitundu kino mu bigambo nga 100 ng'olaga ebizibu Ndibassa byeyagwako ng'ali mu bufumbo ewa Ssenoga,

Mu sazza lya Ssaabasajja, erye Bulemeezi ye waali muzukkulu wa Walusimbi eyali ayitibwa Ssenoga era nga yali muzimbi. Emirimu gye gyamutambuzanga enkya n'eggulo n'oluusi n'amalira ddala ebbanga nga ku kyalo tebamukubyeko kimunye.

Lumu Ssenoga yabissaamu engatto agende atendereze ku Liisoddene eyon'amaaso ge gye gaagwira ku mwana muwala eyali atiba obutibi ati. Yade yamulaba naye teyasobola kuwayaamuko naye olw'okuba yali amwesuddeko akabanga, Ssenoga agenda okufuluma ebweru ng'eggwala takyalikubako kya mulubaale. Ssenoga yalembalemba mpola n'alaba eridda ewuwe.

Obudde buba buwungeera kwegamba awo nga mu mayingira g'enkoko, Ssenoga yaggalawo enju ye olwo n'ayolekera eridda mu kabuga akaliraanyeevo. Aba yakatandulula ebigere nga biibyo nga ku gwalajjana liri eryamusigaddemu bwe yabadde agenze mu ssinzizo. Teyasooka kukikkiriza kwe kwongera okwetegereza obulungi olwo ajja okukakasizza ddala nti amaaso ge tegaamulimbye, mwana muwala yali anaatera okutuuka kumpi ne Ssenoga kwe kussa amaaso ge wansi olwo n'aweta ku maviivi ge alamuse ku Ssenoga newankubadde enkuba yali etonnye. Ssenoga kwe kumukwatako nga bw'amugamba nti, "Munnange tobuna ttaka obudde bubi bulala!" omukono gwa Ssenoga mukugezaako okutangira mwana muwala obutabuna ttaka gwasikatira ku bbeere. Oba kyajja lwa butanwa nga tekyali kigenderere oba kye kyali ekigendererwa kya Ssenoga nze naawe teri yamanya. Ssenoga yayogeramu bibiri omuwala n'amutegeeza nga gye yali ava ekkubo bwe lyali ebbi ennyo! Ssenoga olugendo yalusuulamu emisanvu n'asalawo addeyo emabega ayite mu kkubo eddala. Mu kaseera ako olukubakuba

Iwatandika okufuuyirira era omuwala n'asalawo okweggamako ewa Ssenoga. Enkuba yanyinyittira era mwana muwala teyasobola kuddayo waabwe anti obudde bwali bugenze.

Bugenda okuvaako eddiba nga Ssenoga talina kintu kifa ku mwana muwala ono kyatamanyi. Mwana muwala yategeeza Ssenoga nti ye abantu bamweyitira Bulaaka Ndibassa. Awo nga mu kalasamayanzi Ndibassa yasiibula Ssenoga atere addeyo ewaabwe sikulwa ng'abantu be beeraliikira olw'obutamulabako. Waayita eddaaza limu lyokka, Ssenoga n'akwata olukomo lw'essimu nnawulugumiza Ndibassa ng'amutegeeza nga bwe yeerabira endaga muntu ye mu kisenge. Ndibassa yasitukiramu okutemya n'okuzibula ng'agobye bumale ewa Ssenoga, okuva olwo Ndibassa yafuukira ddala mukyala wa Ssenoga era abantu bonna ne bamumanya.

Ssenoga ne Ndibassa omukwano gwali gubasaza mu kabu era waayita ezzooba limu liti. Ndibassa natandika okuyoya kino na kiri. Ndibassa yazaalira Ssenoga omwana omuwala omulungi amata obuta. Ssenoga yaddayo gye yali akolera emirimu gye olwo ng'adda lumu nalumu. Ssenoga bwe yagendanga ku mirimu gye nga ne Ndibassa addayoko ewaabwe, teyalwa n'afuna olubuto olulala n'azaala omwana omulenzi. Ssenoga yabugaana essanyu n'akirako omwoki wa gonja. Abaana baazaala bakumukumu okwejjjuukiriza nga bawezezza abaana bataano balamba!

Lumu Ssenoga aba akomawo okuva e Gulu okukola omuzirakisa ky'ava amuyimiriza n'alumuvira ku ntono nga Ndibassa bweyalinayo abasajja abalala ebbali. Kino kyanyiiza nnyo Ssenoga era n'asooka n'abulwa n'eky'okukola. Mu mbeera eno Ssenoga yatandika okulabanga ensobi za Ndibassa mu bintu eby'enjawulo ekyamuvirako n'okumulangiranga obuddugavu bw'ataalabirawo oluberyeberyey. Tozannyisa busungu, Ssenoga yesonsasonsanga ku buntu butono nnyo, natandika okukubanga Ndibassa ng'alinda akuba eky'omunsiko.

Ssenoga eyasulanga awaka buli lwe yabangawo yalwa ddaaki natandika okusulanga ebweru olwo Ndibassa n'amulekawo yekka n'abaana be mu nju. Ndibassa teyanyega n'asirika be cce! Ekyaddirira Ssenoga kwe kummira ddala Ndibassa omukwano. Mu butuufu Ndibassa yali azze kufumba naye ekinuggya mu mbeera kye kya Ssenoga okugaanira ddala okuwerera abaana ne basigala awaka okukuba emisota ku kyalo. Ndibassa bwe yagezaako okunnya ku kabiite we Ssenoga olweneeyisa ye embi Ssenoga kwe kuyita olukiiko lw'ekyalo n'alumiriza Ndibassa okuzaala abaana mu basajja abalala ekintu eky'obujoozi.

Amawulire g'okubaliga kwa Ndibassa olwagwa gati mu matu g'abantu, bakyala banne baatandika okumukolokota ne bamwanika n'obuziina bwe bwonna. Waayita emyaka ebiri gyokka giti Ssenoga n'alwala lubyamira namuziba n'amatu. Yayita mikwano gye n'akola ekiraamo kye mwe yagaanira Ndibassa okumuteekako olubugo oba olugoye. Iwonna singa aba ekkiridde ezzirakumwa. Teyakoma ku ekyo kyokka wabula tewali kantu konna wadde akajiiko Ssenoga ke yawa Ndibassa. Ku baana abataano Ndibassa be yamuzaalamu kwaliko omu yekka owa Ssenoga. Nga walumbe bwatalaga nnaku, ddaaki Ssenoga yalekulira obulamu bw'ensi eno era olwamala okumumalirako eringi Ndibassa abantu ne babimusibira ku nnyindo era enjuba eba ekkirira ewa kiwalabye gyeriira ebiwata mukazi wattu Ndibassa ne yessa mu ddene nalaba eryamuleeta. Ensi ogirabye!

Oba

b) Kyusa ekitundu kino okizze mu Luganda.

(obubonero 20)

What you should know as you plan for old age.

Age is a time of transition that affects both lifestyle and work. Growing old is inevitable as long as you are still alive. However, few people reflect on how their old age would be. They live as they wish yet their decisions today regarding savings, spending patterns and investments will greatly impact their tomorrow.

As we age, we start getting health complications that force us to quit active work because of low energy levels. Therefore, one should keenly think of how long he/she expect to live and derive means of increasing his/her finances that can ably cater for one's medical and family issues.

Therefore, a lot must be done on an individual basis to plan for family regardless of the prevailing circumstance in order to live a desirable life style during the old age. If you are still energetic and can ably work, this is the time to lay strategies on how to survive at the time when you can't ably work. This requires change in attitude and behavior, including how you handle your finances.

Look at your expenses and see where to constantly cut costs so to increase on your savings. If you are living an extravagant life style now, surely at old age will suffer. (Partial extract from Daily Monitor Tuesday April 17, 2018).

Kola, ekibuuza 3(a) ne 3(b)

3. a) Jjuza ebisoko ebituufu mu mabanga agalekaddwawo (obubonero 20)

- i) Namagembe tajooga ayisa _____ mu nju olaba asanga mugyawe mu maka n'amugobamu oba yeesiga ki?
- ii) Kabalagala ne bwagwa ku _____ Ssenfuka era ye amulondawo n'amulya tafiirwa!
- iii) Ssebina Katonda yamuwanzeeko _____ era kati asomera bwereere.
- iv) Abasajja bangi baafuba okwekuba ku Nakimwero naye nga mwana muwala abassa _____ ow'endali kassa omukukumi.
- v) Abayizi olw'alengedde omusomesa bonna ne bassaako _____ tondeka nnyuma nga badduka olw'okutya okubakuba.
- vi) Mwana mulenzi Luswata alina nnyo akatiizo akatiiza e _____ n'eggumba.
- vii) Ennyonyi eyakomezzaawo taata, mu _____ yamazeemu essaawa mukaaga n'etuuka ku kisaawe e Ntebe.
- viii) Omuvubuka oyo ennaku zino ababbi abakwatira _____ buli lwe wabaawo ekikwekweto naye bamutwala.
- ix) Mwana muwala gwe munnumiriza nti mwagala mmala _____ na bisiibo nga simulabyeko.
- x) Leero mwattu akombye mu kya _____ ekyettungulu kiwoomerera, konvumye sikyakusonyiye.

b) i) Ddamu owandiike sentensi zino mu butuufu (obubonero 3)

- Gw'oyogera mpola nnyo!
- Nkwegayiridde kw'olwo sigenda kujja.
- Nedda eyo simpale.

ii) Wandika amannya ag'ebibinja agali mu sentensi zino wammanga. (obubonero 3)

- Oluusi kizibu abantu okufuna enku okuva mu kibira ekyo.
- Tusanze awanudde ekirimba ky'emiyembe ng'awaddeko n'abalala babiri.
- Tonyooma Mukasa alina ekisibo ky'embuzi ewuwe buli lwamukaaga asalako emu.

iii) Ebikolwa bino ddamu obiwandiike ng'obitadde mu kawakatiirwa akasoboka. (obubonero 4)

- Okuyamba.
- Okubega.
- Siiga.
- Weta.

BIKOMYE WANO.

335/1
LUGANDA
Paper 1
July/August 2017
2 hours



WAKISSHA JOINT MOCK EXAMINATIONS

Uganda Certificate of Education

LUGANDA

(Okuwandiika emboozi, okufunza, okukyusa, ggulama n'ebisoko)

Olupapula olusooka

Essaawa bbiri (2)

EBIGOBERERWA:

- Olupapula lulimu ebitundu bibiri: A ne B
- Mu kitundu A, mulimu nnamba 1(a) ne (b). Londako (a) oba (b)
- Mu kitundu B, mulimu nnamba 2 ne 3. Nnamba 2, londako (a) oba (b).
- Nnamba 3 yonna ya buwaze.

EKITUNDU A

Kola nnamba 1(a) oba 1 (b) mu kitundu kino.

1. (a) Ku mitwe egikuweereddwa londako gumu oguwandiikeko emboozi ya bigambo nga 400. (buli emu ya bubonero 50)
- (i) Obuntubulamu bw'ansuula awazibu.
 - (ii) Ebbula ly'emirimu erisusse mu ggwanga y'ensibuko y'ebikolwa ebimenya amateeka mu Uganda. Kubaganya ebirowoozo.
 - (iii) Omuntu tomuwakaniranga.
 - (iv) Ssekabwa ke weeyolera ke kakuluma enteega.

Oba

- (b) Ku mitwe gino londokako ebiri buli gumu oguwandiikeko emboozi nga bw'olagiddwa. (Buli emu ya bubonero 25)
- (i) Wandikira mukwano gwo ebbaluwa ng'omunyonnyola ebirungi ebiri mu kulunda enkoko mu maka. (Kozesa ebigambo nga 200)
 - (ii) Wandika omuko mu mawulire ku ngeri y'okulabiriramu abaana abalemereddwa okumaliriza emisomo gyabwe. (Kozesa ebigambo 200)
 - (iii) Wandika ebigambo by'onooyogera ng'owa abatuuze amagezi okulwanyisa ettemu erisusse mu ggwanga. (Kozesa ebigambo 200)
 - (iv) Weefuule minisita wa gavumenti ez'ebitundu, onnyonnyole abantu ku birungi ebiri mu kuba n'endagamuntu. (Kozesa ebigambo 200)

EKITUNDU B

Kola ekibuuzo 2(a) oba 2(b)

(Buli kibuuzo kya bubonero 20)

2. (a) Funza ekitundu kino mu bigambo nga (100).

Ensi gye yeeyongerera okukula, naffe gye tukoma okugenda nga tuva ku musingi ogwatufuula abantu abeegombebwa buli muntu. Nga kati tugenda tufuuka era nga tubulira mu bantu abalala. Okuggyako ng'abantu beevaamu ne bawandiika ebintu bye bayize nga bibanyumizibwa, okubisoma oba okubinoonyereza, Abaganda tutuuse okubifuma obufumi.

Kitalo nnyo, empisa Z'Abaganda ab'edda kirabika zaafuuka oluvannyuma lw'omuzungu okujja. Omuzungu twamwegomba nnyo ng'atuuse kuno ne tusukka. Okukakkana ng'empisa z'omuzungu n'olulimi lwe bye tulaba nga bya waggulu, bye tuyita eby'abategeevu nga buli omu by'ayagala okukoppa.

Olw'okuba nga Abazungu baasooka mu lubiri, ffena twabaagala nnyo netutuukiriza olugero olugamba nti "Kawumpuli bw'asookera embuga ng'anaamala ebyalo." Bw'ogattako nti buli eyayiganga oluzungu nga y'afuna omulimu mweyaggyanga ekigulira Magala eddiba, wamma ggwe ne gubula asala.

Ssebo oba nnyabo, okumanya nga twagenda wala, olaba osanga omuganda ayize obuyizi oluzungu ng'ayogera naye nga ayogera oluganda, ng'akoppa engeri omuzungu gy'ayogera mu ng'abadde aluyize. Okugeza: "Nze nja ggenda e Kampapaala okunnona ekittaabo." Bangi nze be ndabye nga boogera batyo ng'eno basitudde ebitogi nga ne mu mpale mwe bakute. Okuva olwo twatandika okudibya empisa, olulimi n'obulombolombo byaffe ng'Abaganda ate ng'amazima gali nti, ebyo gaali matendo, gaali makula ebitagambika. Byatuusa n'abazungu okusasula omusimbi omuyitirivu okujja wano okulaba abaddugavu mu kitundu kya ffe bayige enneeyisa, endya, ennyambala n'enfuga y'Abaganda.

Mu kifo ky'okukozesa omulembe omuyigirize, ffenna tugunjoke, tulongoose empisa zaffe, okumanya n'obuwangwa bituukane n'omulembe guno oguliwo n'ogulijja, ffe ate bambi twasalawo kwefuula ba muzungu – Muganda. Omuntu abeera ettengetenge anti mu Bazungu tagyayo era si waayo ate nga ne mu Baganda yavaayo dda.

Bannange Oluzungu si lulimi lwaffe, tweyazika lweyazike. Wano nno ekikulu mujjukire nti "omuggo oguli ewa munno, tegugoba ngo!" ate era tujjukire nti olulimi oluzungu nga bwe luli olweyazike obweyazisi tuteekwa okukuza n'okutwala olulimi lwaffe mu maaso naddala mu byenjigiriza.

Oba

2. (b) Kyusa ekitundu kino okizze mu luganda. (Obubonero 20)

As you grow up and get married there will be very many important decisions for you to take. One of these concerns is the number of children that you will need to have. A married couple will want to show love and affection to each other. One way of doing this is by making love. But making love can also make babies.

It will be very important for you to talk over with your husband or wife in a dialogue as to how many children you will want to have, only as many as you can look after well. So you may decide to use a method of preventing pregnancy. These methods are called contraceptive method.

Which method a couple will choose will have to be thought about very carefully. The religious beliefs that they have, may mean that they will want to use a natural contraceptive method. Some methods have unpleasant side effects for some people so they may not be always suitable.

(Partial extract from: Family Healthy Journal Volume 5, 2015 with minor modification)

Kola ebibuuzo 3(a) ne 3(b)

3. (a) Jjuza ebisoko ebituufu mu mabanga agalekeddwawo. (obubonero 20)

- (i) Mubiru bwe baamugamba nti ekibanja kye bakitwala, olumbe yalusiba ku..... n'agenda ku poliisi abawawaabire.
- (ii) Ssekalegga eky'okumuyisaamu amaaso teyakyagala era n'abagamba bamwolekezebalabe omusajja aterya ntama.

- (iii) Enteekateeka zaabwe leero zirabika zigudde anti bannaabwe bonna babasibye.
- (iv) Ku olwo yawonera watono nnyo awalemerwaokubuuka anti baali bategeze ku mussa masasi.
- (v) Olutuuse mu lukiiko bamusenzezza.....nga kikere nga bamulanga okusuza ababbi.
- (vi) Taba kutta kuyandigudde mu batemu era singa kati z'embuyaga ezikaza engoye.
- (vii) Ssekikubo omugezigezi bwe yamala okulagula Lukenge, naamugamba nti, bwava kubibye ng'agenda ku wa.....
- (viii) Abapoliisi bwe twabalaba nga bajja ba mbadde emigemera wala ne tumanya nti kajjampuni agenda kubalagala mu
- (ix) Abasheshe lwe beegugunga ku ssomero lyaffe embeera yalwirawo ddala okudda muokutuusa aba poliisi lwe baatuuka.
- (x) Mu kunoonya akalulu mu bayizi Kyambadde yakozesa swiiti era akalulu yakawuuta.

3. (b) (i) Wandika enukuta z'Oluganda ezitakirizibwa kutandika bigambo bya luganda. (Obubonero 03)

(ii) Amannya gano laga embu z'amannya mwe gasangibwa.

- Ensiri
- Ttaaba
- Ssalambwa
- Amata

(Obubonero 04)

(iii) Laga ebikolwa ebiri mu sentensi zino wammanga.

- Embwa eyo edduka nnyo!
- Abagole baffe batudde ntende.
- Mukyala Kipeesa afumba bulijjo.

(Obubonero 03)

BIKOMYE WANO.

335/1
LUGANDA
Paper 1
July/August 2015
2 hours



WAKISSHA JOINT MOCK EXAMINATIONS

Uganda Certificate of Education

LUGANDA

(Okuwandiika emboozi, okufunza, okukyusa, ggulama n'ebisoko)

Olupapula olusooka

Essaawa bbiri (2)

EBIGOBERERWA:

- Olupapula lulimu ebitundu bibiri: A ne B
- Mu kitundu A, mulimu nnamba 1(a) ne (b). Londako (a) oba (b)
- Mu kitundu B, mulimu nnamba 2 ne 3. Nnamba 2, londako (a) oba (b).
- Nnamba 3 yonna ya buwaze.

EKITUNDU A

Kola 1(a) oba 1(b) mu kitundu kino

1. (a) **Ku mitwe egikwereddwa londako gumu oguwandiikeko embooji ya bigambo 400.** *(Buli emu ya bubonero 50)*
- (i) Yawonera watono okugajambulwa abatuuze.
 - (ii) Enkola y'okwegabira emmere ku mikolo (self-service) esaana okuwagira. Kubaganya ebirowoozo.
 - (iii) Obwato bufa magoba.
 - (iv) Newankubadde emikolo ginyuma nnyo naye gisaana kukomekkerezebwa mu budde bwa misana. Wagira endowooza eyo.

oba

- (b) **Ku mitwe gino londako ebiri buli gumu oguwandiikeko nga bw'olagiddwa.** *(Buli emu ya bubonero, 25)*
- (i) Wandikira omukungu akulira abakozi mu disitulikiti yammwe (CAO) ng'omunyonnyola engeri abakozi b'akulira gyebasiwuuseemu empisa ensangi zino. *(kozesa ebigambo 150)*
 - (ii) Gwe okulira ebyobulamu mu ggombolola yammwe, yogera eri abantu mu lukiiko ku buzibu obuyinza okuva mu kukozesa amasimu. *(kozesa ebigambo 200)*
 - (iii) Wandika eggulire erinaafulumira mu lupapula lwamawulire olumu nga likwata ku bafumbo abaakwatiddwa mu bwenzi. *(kozesa ebigambo 200)*
 - (iv) Wandikira mukwano gwo ali e bweru w'eggwanga ebbaluwa ng'omunyonnyola ebizibu ebibaluseewo oluvannyuma lw'okugoba abantu mu kibuga Kampala. *(kozesa ebigambo 200)*

EKITUNDU B.

Kola 2(a) oba 2(b).

2. (a) **Funza ekitundu kino mu bigambo nga 100.** *(obubonero 20)*

Enkerebwe nsolo si nfuge. Wabula ya munsiko. Nsolo ntono ddala, munkula n'enfaanana, bafaananira ddala, ne Kasolomuje, akasolo akawoomerwa ennyo ebinyeebwa oba "amayido" nga baganda baffe Abasoga bwe babiyita. Ebyawula kaamuje kunsolo e Nkerebwe bitono ddala, Kaamuje kasolo akasula mu biswa omuli ebinnya ebyasimibwa ensolo endala oba ko kennyini so ngate enkerewe esula mu mpokowonko z'emiti. Oluusi n'ebinnya bye yeesimidde, gwe ate tomanyi omubala gwa Abenkerewe oguvuga nti "Enkerewe enkulu esima ngeggalira".

Enkerewe mpalampi ya miti era ekeera nnyo okuzuukuka abalabe baayo baleme kumanya gy'esula so ngate ye Kasolomuje azuukuka ssaawa nnya eza kalasamayanzi.

Enkerewe ne Kaamuje olw'okufaanagana ennyo mu nkula n'endabika abatamanyi nkerewe bwe bagiraba ng'ewalampa omuti oba ebitooke batera okugamba,

"Kaamuje wuuli" alinnya omuti, kino kisinga era kitera kwogerwa bakazi n'abaana abato, so nga nkerebwe gyebaba balabye. Enkerebwe mpewufu nnyo ate olaba etambulira ne ku ndagala.

Abamanyi ebyafaayo ku Nkerebwe bagamba obuwo n'obuddo bwayo ly'essaza lya Kabaka erikulemberwa omwami wa Kabaka Mugerere ery'e Bugerere. Ensi bw'egenze ekula ensolo zigenze ziva mu maka gaazo ag'obuzaaliranwa nga zeeyuna awali eddembe. Enkerebwe nazo zisenvudde mpola.

Kampegaano wetwogerera nsolo ntaka mu ssaza ly'abalyannaka, Abalemeezi abasinga okutta enswa ennaka mu Buganda. Amakanda enkerebwe zisinze kugasimba mu bitundu bye Baamunaanika ne mu Ggombolola y'e Butuntumula. Abalya nnaka beekokkola enkerebwe, bagifujja lulusu. Abalimi b'emiyembe e Baamunaanika n'emiriraano nga Kakoola ne Kaliro tebuboonooneredde miyembe busulayo bbiri! Buli webulaba emboona ennene evaamu ejjamba, bwo bugenda bulumako ku buli gumu nga bwetambulira. Buli busolo bujoozi era bwa ffujjo ebitagambika, bukaabya nnyo agajjulujulu anti e Baamunaanika emiyembe gyattunzi nnyo.

Bo ab'e Butuntumula abalima ebinyeebwa eby'okumiti: ebizungu nabo kyebubakola, entungo ggobe bubyonoona ne bukamala. Abalima enaanasi e Kikyusa nabo bwabakyalidde dda, bulaba eyengedde nga bulumako katono nga bwetambulira kulumba ndala nate kumpi kubuna musiri nga bwekola gwa Walugabi.

Abalyannaka bubabuzizzaako amagezi bagamba si bujoozi bujoozi wabula buwendule, ggwe obutayiggibwa, tebutegwa si kubuwa butwa byonna tebisoboka. Kyakukolerwa Nkerebwe kikyababuze.

Eby'effujjo n'obujoozi eby'e Nkerebwe ng'obitadde ku bbali, enkerebwe mu Buganda muziro gw'Abaganda era Omukulu w'ekika ye Kidimbo e Bwanja ate akabbiro kikirikisi: Emmese ezimba mu kitooke. Anti Ssajjabbi teribulako kalungi kaalyo! Ebyo by'ebitono byenjagadde omany'e ku Nkerebwe!

Oba

2. (b) Kyusa ekitundu kino okizze mu Luganda.

(Obubonero 20)

PARENTS AND DESTINY FOR THE CHILDREN.

There is no parent on earth who wishes to see his/her child become a failure in life. For that reason, many parents who associate a bright future to education, strive tooth and nail with their ability to educate their children formally.

In Africa, formal education was introduced by foreigners and graduates up to 1980's got jobs without struggle unlike to day 2015.

Throughout this education system, for instance in Uganda, learners are imparted with a lot of theory and limited emphasis on application of knowledge. The products of this education system, mainly think of job seeking than creation, yet population growth rate cannot match with that of job creation.

The result is unemployment, under employment, and a feeling of disappointment, from both the child, parent or sponsor. Graduates become sad without much hope and some have become drunkards! The parents and sponsors and children become unhappy with government, for the government neglecting their right to work.

Bikkula

One scenario from the education system was of a late graduate of Makerere University who killed herself when 26 years in March 2012 due to 5 years of unemployment. Justine's death justifies the saying: "the grave yard is the richest place on earth" This is because it is full of would be important people with their unfulfilled dreams!

(Partial extract from *MINT MONEY*, By Godfrey Jumbo with minor modification.)

Koka ebibuuzo 3(a) ne 3(b)

3. (a) **Jjuza ebisoko ebituufu mu mabanga agalekeddawo.** (obubonero 20)
- (i) Omusango mutabani wa Mpago gwe Yazza gwa _____ anti yatta omuntu era guwulirwa kkooti nkulu yokka.
 - (ii) Omusajja abadde abba enkoko ku kyalo kyaffe okumala ebbanga bwe yagudde abatuuze mu _____ ne bamukumako omuliro era kati mufu.
 - (iii) Amasomero agaakwatibwa UNEB jjuuzi nga geetabye mu kibbabigezo nnamba zaabwe ezituulirwako ebigezo baazifuuye mu _____ era omwaka guno bali mu kunoonya gyebatuuliza bayizi baabwe, kitalo!
 - (iv) Abajaasi abaasindikibwa e Somaliya ennaku zino basula ku _____ anti abatujju babatta okukamala.
 - (v) Mwattu toddangayo kwogera bigambo bitaliiko mutwe na _____ kubanga oyinza okuttisa omuntu atalina musango.
 - (vi) Abayizi abaagenda okulambula emmotoka yabafaako era ekitundu ekisinga obunene baakuuta _____.
 - (vii) Ekyali ku kisaawe ky'omupiira e Migeera nga 2/5/2015 kyabula o _____ anti ssabasajja Muwenda Mutebi II lweyaggulawo empaka z'emipiira gy'amasaza ga Buganda, obuganda bwonna bwaggwaayo.
 - (viii) Mukama yakuba mwana muwala oyo _____ olaba abulirwa ddala omusajja amuwasa!
 - (ix) Olwali okulaba ku mulamuzi n'amererawo _____ ku mubiri olwo n'emanya nti ennamusa etuuse ku nyooze.
 - (x) Nyinimu yalidde mu _____ bwe yawulidde nti embuzi ze baazibba agenze kukola.
- (b) (i) Wandika amateeka agafuga enkozesa y'ennukuta enjogeza. (obubonero 04)
- (ii) Ssentensi ezikuweereddwa zikyuse ozizze mu biseera ebiragiddwa mu bukomera. (obubonero 03)
- Twalya omugaati omuwoomu. (Ekiseera ekiriwo)
 - Nagenda ne mmulaba nga mulwadde . (Ekiseera ekirijja)
 - Musombe amazzi ng'obudde bukyalaba. (Ekiseera ekyayise)
- (iii) Ddamu owandiike emiwendo gy'abantu bano mu bigambo.
- 345,678
- 1,000,024
- 33,333

(obubonero 03)

BIKOMYE WANO.

335/1
LUGANDA
Paper 1
July/August 2014
2 hours



WAKISSHA JOINT MOCK EXAMINATIONS

Uganda Certificate of Education

LUGANDA

(Okuwandiika emboozi, okufunza, okukyusa, ggulama n'ebisoko)

Olupapula olusooka

Essaawa bbiri (2)

EBIGOBERERWA:

- Olupapula lulimu ebitundu bibiri: A ne B
- Mu kitundu A, mulimu nnamba 1(a) ne (b). Londako (a) oba (b)
- Mu kitundu B, mulimu nnamba 2 ne 3. Nnamba 2, londako (a) oba (b).
- Nnamba 3 yonna ya buwaze.

EKITUNDU A

1. Kola nnamba 1(a) oba 1(b) mu kitundu kino;

- (a) Ku mitwe gino egikuwereddwa, londako gumu oguwandiikeko emboozi yabigambo 400. (Buli emu ya bubonero 50)
- i) Omuganda n'enkoko.
 - ii) Essanyu katonu litte abatuuze.
 - iii) Enkola y'okukendeeza ku masomo agasomesebwa abayizi mu masomero ga siniya sekendule esaana okuwagira. Kubaganya ebirowoozo.
 - iv) Ekikozza alima kyekimunnyulula.

Oba

- (b) Ku mitwe gino londako ebiri buli gumu oguwandiikeko emboozi nga bw'olagiddwa. (buli emu ya bubonero 25)

- i) Kitwale nti ggwe ssentebe w'ekitundu ky'ewammwe avunaanyizibwa okuwandiisa abantu okufuna endaga muntu (Identity card) nnyonyola ebirungi ebiri mu nkola eyo. (kozesa ebigambo nga 200)
- ii) Wandika omuko mu mawulire nga weemulugunya engeri abafumbo gye balagajjaliddemu obuvunaanyibwa bwabwe mu maka. (kozesa ebigambo 200)
- iii) Ggwe omu ku bawi ab'amagezi b'omukulembeze w'eggwanga, muwandiikire ebbaluwa ng'omutegeeza enkyukakyuka z'oyagala zikolebwe mu nkola ya bonna basome omwaka ogujja. (kozesa ebigambo 200)
- iv) Weefuule omukyala ali mu ddyo (Mubufumbo), owandiikire Ssengaawo eyakuwerekerako mu ddyo ng'ogenda okufumbirwa ebbaluwa ng'ottotola emize gya balo egituuse n'okukulemesa eddyo lya gyewagenda ng'oyagala. (kozesa ebigambo 200)

EKITUNDU B

Kola ekibuuzo 2(a) oba 2(b) (Buli kibuuzo kya bubonero 20)

2. (a) Funza ekitundu kino mu bigambo nga 100

(obubonero 20)

Jjajja Nakirembeka, ssentebe w'abataka b'obusolya bw'ebika by'Abaganda eyawummula, ebika by'Abaganda bino byonna by'abadde akulembera biwerera ddala amakumi ataano mu mukaaga be ddu! Abakulu b'ebika ebyo byonna ataano mu mukaaga jjajja Nakirembeka y'abadde ssentebe waabwe gwe bakkiririzaamu okumala ebbanga eddene.

Era y'asikiddwa Kayiira Gajuule omukulu w'akasolya mu kika ky'embogo ensolo ekyasinze okuba enkambwe era erina amayembe ageeweta ng'emmini.

Jjajja ono Nakirembeka eyawummudde obukulu obwa ssentebe w'abataka b'obusolya bw'ebika by'Abaganda yeddira Mutima Omusaggi era obutaka bwabwe buli Butale n'omubala gwabwe guvuga nti "Ekifa mu nnyanja omuvubi y'akimanya".

Lumu bwe yali ku mukolo gwa NKOBAZAMBOGO mu ttendekero erimu mu mwezi enswa empawu mwe zisinga okubuukira ennyo ogwa kafuumuulampawu 2014 yayogera ku

bukulu bw'ebika by'Abaganda nti bye bikola Obuganda, olwo Kabaka n'aba omukulu ow'okuntikko. Era webitali obuganda nabwo tebubaawo era yensibuko y'obwami mu lubiri lwa Bbeene.

Ku mukolo guno Nakirembeka yasiima omukulu w'ettendekero lino olw'okuwagira NKOBAZAMBOGO, n'asiima omumyukawe, kko n'omuwandiisi olw'okuwagira Bannankobazambogo. Omuyima wa Nkobazambogo naye yamusiima bya nsusso. Ssentebe wa Nkobazambogo ye yasiimibwa olw'okukumaakuma obulungi bato banne bwatyo!

Bannankobazambogo bonna awamu yabakubiriza okuba obumu, okwegatta okukolera awamu n'okulemeranga ku nsonga ey'amazima nga balwanirira ensonga za Buganda naddala mailo akenda.

Jjajja ku mukolo gwe gumu nga bulijjo yakola omukolo ogw'okulera ba ssentebe bonna Bannankobazambogo abaava mu matendekero amalala, Abakulira ettendekero lino jjajja nabo yabalerako, Abayizi mu ttendekero lino nabo yabalerako nga jjajja, abazadde abaaliwo nabo bonna yabalerako kwe kugamba yalera abantu ab'emitendera egy'enjawulo ku olwo. Era jjajja Nakirembeka buli muzzukkulu yamukolezaayo ku bigagu. Ku olwo nkugambye omukolo gwali kijjobi kyennyini ng'entanda okuli ekibya!

Ng'abasiibula, jjajja abazzukkulu, abakulu, n'abato, abakulembeze wamu n'abakulemberwa ab'emitendera gyonna okutwalira awamu yabakuutira okwegendereza, okwekuuma, n'okwewala siriimu kattira lumalabantu akyaliwo era atta abato n'abakulu. Era akyegiriisa g'ekigotta entula era basaana babe beegendereza nnyo ng'owamayuga ayita ku lutindo. Jjajja Nakirembeka nga bulijjo abazzukkulu yabasiibula ng'abaagaliza emikisa gya bajajjaabwe okubakuumanga bulijjo mu bulungi ne mu bubi.

Oba

2. b) Kyusa ekitundu kino mu luganda.

(Obubonero 20)

A MAN GETS DRUNK, DRINKS PARAFFIN.

A malwa drinker was recently forced to buy two litres of paraffin which he had used to rinse his mouth and wash his face. This happened on Wednesday in Bukoto at Mama Baby Malwa Joint. After drinking himself silly, Obong excused himself and staggered behind the hut to wash his face. He was too drunk to realize that the liquid he was using was not water but paraffin.

Upon returning to his chair his colleagues immediately noticed that he was smelling paraffin. "That is soap and water, I have just washed my face" Obong who was hopelessly drunk replied.

The revelers sensed danger and immediately organized to take Obong to hospital fearing that he could have swallowed large quantities of fuel.

However, Mama Baby, the owner of the Joint had no kind words for the victim. "Before you take him to the hospital he has to first refund my paraffin and pay for the Malwa" she said.

"Someone is dying and you want him to pay for paraffin which is killing! You are acting like a witch. In the first place why did you put it near the water jar?" A colleague told off Mama Baby before rushing Obong to the nearest health centre to get first Aid treatment.

But Mama Baby insisted and the men had to part with shs 5000. They later assured her that she was seeing the last of them. We have ceased to be your customers. This is because you are a heartless woman” They said as they paid her and rushed to save the dear life of a dying Obong their beloved friend.
(Extracted from *The New Vision Saturday, August. 2. 2003*).

Kola ebibuuzo 3(a) ne 3(b).

3 a) Jjuza ebisoko ebituufu mu mabanga agalekeddwawo.

(Obubonero 20)

- i) Vva mwattu mu kwegiriisa ng'eentula tugende tulabe omulwadde nga bukyali.
- ii) Okuva lweyazirika ku lw'okubiri bambi teyaddaera twabadde tuli awo ng'omwana ajja okutubikira.
- iii) Abayizi ba S.4 bafuuyirira.....ebibuuzo by'omwaka guno bibabeerere byangu.
- iv) Mukama wange ensonga gy'oleese yandibaamuera gira tugende tulabe abakadde.
- v) Omubbi abasirikale gwe baali banoonya bwe baali banaatera okumutuukako waali n'amira omukka be Era ne bamuyitako mu nfo we yali yeekukumye.
- vi) Abavubuka bangi ensangi zino tebasiba mapeesa ku masaati gaabwe batambula baleeze ebifuba ng'eeri ku luti!
- vii) We twatuukidde eka nga tuva ku kisaawe okusamba omupiira enjuba yabadde yagenze dda ewa.....okulya ebiwata.
- viii) Omutuuze gwe baakwatidde mu lusuku lw'omusumba ng'abba ettooke azze mu lukiiko lw'abatuuze nga yeebwalabwala ng'oolubbi nga tayagala bamwetegereze.
- ix) Omuyizi wa S.6 Nanduggwa bw'atandika okuzina bangi abaleka banyenya mitwe ng'e.....etenda enkuba.
- x) Abakungubazi baasiwusebwe baatandise okugwa mu mmere wamu n'okuvuma omubuulizi nga bw'aluddewo ng'asaba.

3. b) i) Laga embu z'amannya gano wammanga:

(obubonero 4)

- Wandiga
- Bbeere
- Laddu
- Omusana.

ii) Ssentensi ezikuweereddwa ziyunge ng'okozesa nnakataba.

(obubonero 6)

- Okecho asomera Wakiso S.S. Okello asomera Wakiso S.S.
- Asomye bulungi. Si y'asinze mu ggombolola.
- Emiyembe giwoomera abaana. Amenvu gawoomera abaana.

BIKOMYE WANO.

335/1
LUGANDA
Paper 1
July/August 2013
2 hours



WAKISSHA JOINT MOCK EXAMINATIONS

Uganda Certificate of Education

LUGANDA

(Okuwandiika emboozi, okufunza, okukyusa, ggulama n'ebisoko)

Olupapula olusooka

Essaawa bbiri (2)

EBIGOBERERWA:

- Olupapula lulimu ebitundu bibiri: A ne B
- Mu kitundu 'A' mulimu nnamba 1(a) ne (b). Londako (a) oba (b)
- Mu kitundu B, mulimu nnamba 2 ne 3. Nnamba 2, londako (a) oba (b).
- Nnamba 3 yonna ya buwaze.

EKITUNDU A

Kola 1(a) oba 1(b)

1.

(a) Ku mitwe gino wammanga londako gumu oguwandiikeko emboozi yabigambo 400
(obubonero 50)

- i) Ebivvulu ebikeesa obudde bisaana kuwerebwa. Kubaganya ebirowoozo.
- ii) Azaala ekibi akiwongerera.
- iii) Omuganda n'ensolo.
- iv) Yalwa edda n'afuna omutuufu.

Oba

(b) Ku mitwe gino londako ebiri buli gumu oguwandiikeko emboozi nga bw'olagiddwa.
(buli mutwe gwa obubonero 25)

- i) Wandikira omukungu wa poliisi evunaanyizibwa ku bidduka nga weemulugunya engeri embi abagoba ba Takisi gye bayisaamu abasaabaze. (kozesa ebigambo nga 150)
- ii) Wandika eggulire erinaafulumira mu lupapula lw'amawulire nga likwata ku nkuba emaze ennaku ng'ebonyaabonya abatuuze. (kozesa ebigambo nga 200)
- iii) Ggwe akulira eby'obulamu ku L.C. III, otegeese olukiiko ku mutwe ogugamba nti "Engeri y'okutangira omusujja gw'ensiri mu maka gaffe" wandika by'onoogamba abantu. (kozesa ebigambo nga 200)
- iv) Wandikira mukwano gwo agenda okufumbirwa ng'omutegeeza obuzibu bw'ayolekedde mu bufumbo. (kozesa ebigambo nga 200)

EKITUNDU B

Kola ekibuuzo 2(a) oba 2(b) (Buli kibuuzo kya bubonero 20)

2. (a) Funza ekitundu kino mu bigambo nga 100

(bubonero 20)

Mukwano gwange gwe asoma bino ogamba otya, ku butasoma? Aaa lindako ojja kunziramumu anti nzuuno nakalutandika. Wali owulidde ku mwami ayitibwa Byekwaso Sirinaddala? Ye ng'omusanga wa? Bambi ono yali mutuuze mu Ggombolola ye Nnabbaale mu Kyaggwe nga takongojja mumbejja Namaalwa asulayo bbiri; yali muwanvu wa kigero muddugavu ttibitibi, ayogera asabuliza ddala ng'alinda gwebaayaluza omukalo gw'endegeya.

Byekwaso olubaawo oluddugavu yatunula ku lumu lwokka luti ate kumala nnaku bunaku, olwo ebyokugendanga ku ssomero nabiggyamu enta nga talaba kimufuuyisa mpewo ya kumakya.

Ng'ebbanga lyekulungudde, banne beyaleka mu ssomero yabawulira nga bafuwa ekingereza ekizibu olwo n'asaalirwa anti nga takyayinza kudde mu ssomero. Bweyagezangako okubagegeenyako bambi ng'embogo zaakuba mpitirivu obutagambika, ku kyalo ne bamukazaako lya, Mukubambogo. Okumanya musajja wattu ekizungu kyamulema, yatuuka n'okuddukanga abasibye amataayi gaabwe.

Byekwaso yali musajja mukozi eyagezaako kyenkana ku buli mulimu naye bambi baabimusibirako mangu olwobutamanya kizungu, yakolako obwa bbooyoofiisi, omwezi wa ziwoofiisi, omutambuza w'amabaluwa, n'emirala mingi nnyo naye kunkomerero ng'agobwa lwa kigambo kya lulimi.

Ennaku zino ba Byekwaso obasanga bangi ng'ensi ebakuba obuswanyu ng'ate tebabakkiriza nakukwatayo.

Byekwaso yalaba talina mulimu gwayinza kuwangaalirako kwe kusalawo afune ez'amangu, yadda mukwemoolera ku bisolo bya Mukama we ng'abissa mu kutiya asobole okubifunamu ekigulira magalo eddiba. Ye wattu ebisolo byawuunamu emeka nga tebanamuggwa mu buwufu? Musajja wa Katonda yakanda kwewozaako ng'amala bya mubulago era awo we yali teyavaawo eyiye nga bavuunika.

Abaana be yaleka kati bavubuse naye ge bakaaba ge bakomba anti tebalina abasuula mukono.

Oba

(Obubonero 20)

2. b) Kyusa ekitundu kino mu luganda.

WHAT CAUSES DOMESTIC VIOLENCE?

The earlier girls begin to have sex, the more they are likely to have marriage full of beatings and insults. This is what a new research done in Uganda in 2003 revealed. A team of Ugandan and American researchers working in Rakai district, compared women who become sexually active by the age of 15 years, to those who abstained until they were at least 18 years old. By interviewing 5,109 women and 3,881 men they found out that wife beating and abuse was twice as common among women who became sexually active by 15 years than those who abstained till 18 years.

The report published by World Health Organisation, also cites alcohol as a key risk factor for domestic Violence. Wife beating was more common among men who drink alcohol than non drinkers. Similary drinking women suffered more beatings than non-drinking colleagues.

The research revealed that women with fewer children received more beatings than those who had delivered higher number of children. Likewise women who had stayed longer in marriage suffered less from domestic violence.

Beatings and other forms of domestic violence were more common among couples who were cohabiting, than those who were wedded or married traditionally. Also uneducated or low educated women were beaten more often than those who had studied to a higher level.

However, pregnant women suffered beatings as often as those who were not pregnant. Wife beating was found to be equally common in all religions. The main reasons cited for this was neglect of house work, disobeying the partner, refusing to have sex with the man, arguments over money and suspicion that one's wife slept with another man. Others were beaten for insisting on condom use and using contraceptives without man's permission.

The most common form of physical violence were pushing, slapping, wrestling, punching, beating and burning. The most common injury was pain, lasting more than a day followed by bruises, cuts and broken bones.

(Extracted from the New Vision Tuesday June 23 2003 with minor modification).

Bikkula

3

3 c) Jjuza ebisoko ebituufu mu mabanga agalekeddwa mu ssentensi zino wammanga. (Obubonero 20)

- i) Wambwa bweyatuuse we baabadde bagenda okubaagira ente yatudde kitebe enjala kyetuula mu
- ii) Abagole n'abagenyi baabwe bonna bambadde nebatonnyaera embaga yaabwe enyumye nnyo.
- iii) Musiitwa muzinyi mulungi era ng'atandise okuzina atereera ku ttaka ng'e
- iv) Taata bweyawulidde ababbi nga bayingira mu nnyumba n'amira be hu! Ne bayingira nga tebamulabye n'aggala oluggi mpola n'atandika okubakuba emiggo mu nzikiza nga tebalina we baddukira.
- v) Musoke ne Kitatta olw'okuba baali tebakyalima Kitatta yasalawo okusenguka anoonye ekibanja awalala.
- vi) Ensimbi ze babba zaali kagumbaanti basatu ku babbi bafudde.
- vii) Musisi yasalawo okuwasa omukazi wadde yali tanneezimba ng'omutaka w'ekawuulu yali amuli bubi.
- viii) We tutuuse kati akalulu kafuuse Kakaasaolaba n'abakadde nabo bakenyigiddemu okukabulankanya!
- ix) Abo bonna abaabadde bakyalimu.....nti omusajja si mubbi kaabaweddemu bwe baalabye ng'omulamuzi amusalira omusango okumusinga.
- x) Omuntu abadde mu kuziika munnakatamba omwagalwa w'abangi abadde muyitirivu nga tolina w'oyinza kuyisakutuuka ku ntaana.

b) i) Amannya gano ddamu ogawandiike ng'ogafudde ebikolwa:

(obubonero 5)

- Abayimbi
- Abaddusi
- Omuweesi
- Omulimi
- Omutambuze

ii) Jjuza omweso guno mu butuufu mumabanga agasigadde.

(obubonero 5)

EKIKOLWA	AKAWAKATIRWA AKALAZI	EKISEERA EKYAYITA	OKUGAANA
Soma	(i) _____	Yasoma	Teyasoma
(ii) _____	Batamera	(iii) _____	Tebatema
(iv) _____	zizinira	zaazina	(iv) _____

BIKOMYE WANO.

LUGANDA
Paper 1
July/August 2011
2 hours



WAKISSHA JOINT MOCK EXAMINATIONS

Uganda Certificate of Education

LUGANDA

Oluapapula olusooka

Essaawa bbiri (2)

EBIGOBERERWA:

- *Oluapapula luno lulimu ebitundu bibiri: A ne B*
- *Mu kitundu A, mulimu nnamba 1 (a) ne (b). Londako (a) oba (b) nga bw'olagidawa.*
- *Mu kitundu B, mulimu nnamba 2 ne 3. Nnamba 2, londako (a) oba (b).*
- *Nnamba 3 yonna ya buwaze.*

EKITUNDU A

Kola 1(a) oba 1(b) mu kitundu kino.

1. a) Ku mitwe egikweereddwa londako gumu oguwandiikeko embooji ya bigambo 400.
(buli mutwe gwa bubonero 50).
- i) Abasuubuzi abatundira ebyamaguzi ku mabbali g'enguudo nga babiguza abasaabaze n'abantu abalala abatambuza ebigere basaana kuwerebwa. Kubaganya ebirowoozo.
 - ii) Obwato bufa magoba
 - iii) Omuganda n'olubugo
 - iv) Ekisa ekingi kyanzaalira obuzibu.

Oba

- b) Ku mitwe gino londako ebbiri buli gumu oguwandiikeko embooji nga bw'olagiddwa.
(Buli mutwe gwa obubonero 25)
- (i) Olondeddwa okuva mu kitongole ky'ebyobulamu okutuusa obubaka eri abantu ku kyalo kyammwe ku ngeri y'okwekumamu obulwadde bwekiddukano. Wandika obubaka bw'o noobabulira. (Kozesa ebigambo 200)
 - (ii) Wandikira omukungu akulira poliisi ya Uganda ebbaluwa nga weemulugunya ku ngeri etali yabuvunaanyizibwa aba poliisi gye beeyisaamu mu kugumbulula abekalakaasa mu ggwanga. (Kozesa ebigambo 150)
 - (iii) Wandika omuko mu mawulire ng'ageeze abantu engeri gye balina okukuumamu obugimu bw'ettaka. (Kozesa ebigambo nga 200)
 - (iv) Weefule omuyizi amaliriza emisomo gyo mu ttendekero. Osazeewo okuddayo mu kitundu kyammwe, okutegeeza abantu engeri gye bayinza okukulaakulanyamu ekitundu kyammwe. Wandika byonoobagamba. (Kozesa ebigambo nga 200)

EKITUNDU A

Kola ekibuuzo 2(a) Oba 2(b)

(Buli kibuuza kya bubonero abbiri (20))

2. (a) Funza ekitundu kino mubigambo 100

KAAKANO akaalo akakaazibwako erya kirebanoni kasuza abantu ku bunkenke. Akaalo kano kasangibwa wakati wa Namunqona ne Kasubi ku nkingizi y'ekibuga Kampala nga kalimu abantu abasoba mu nkumi ettaano (5,000).

Bw'otuuka ku kaalo kano newankubadde ssi kamu ku bitundu ebyakazibwako erya "Ghetto", oyinza okulowooza nti otuuse mu kivvulu e Makerere olw'embeera yaayo.

Ssentebe wa Kirebanoni Dennis Kaligaba, agamba erinnya lino lyatandika mu 1970 nga liva ku ggwanga lya yisirayiri bwe lyalumba Lebanon. Abalebanoni baatandika okubundabunda nga basula mu busiisira ate nga n'abantu abaali babu mu kitundu kino ekyakazibwako kirebanoni nabo baali basula mu buyumba bwe butyo.

Wano abantu we baatandikira ng'okubuuza bannaakawnti ogenda eri mu bantu abasula ng'Abalebanoni? Okuva olwo erinnya lyagenda likula okutuusa kati ekyalo bwe baakituumira ddala Kirebanoni.

Mu kiseera kino ekifo kino kyekimu ku bufo mu Kampala omusangibwa abantu abaavu ennyo ba lunkuppe balucooloo abatasobola kuba n'amayumba mwe basula agasinga bazimba gano agaakazibwako "kyuyi kimu" gebasereka ng'amabaati gayiwa ludda lumu, agamu bagazimba na bbulooka za Haka kyokka ng'agasinga gapangisibwa bupangisibwa.

Abavubuka abasinga mu kitundu kino bakola ku mayumba agazimbibwa abamanyiddwa nga bappoota.

Abantu abaliyo ng'abagagga abamu balunzi naye balundira mu bu ppoloti bwabwe era ebiyumba by'ente babizimba mu mpya zaabwe.

Kasasiro era nga mu bitundu bya ghetto ebisinga ayiibwa mu buli kifo era agatuumu tegayoolebwa okutuusa enkuba lwe mukulukusa n'akendeera.

Waliwo abagenze bagulayo ne bazimba amayumba amanene naye ekyewuunyisa amayumba gano oyinza okusanga ng'emu bagiresezza mabaati agasoba mu langi emu okugeza ng'oludda luliko ebbaati lya kiragala ate oludda olulala nga kuliko langi myufu.

Ekizibu abantu kye balina mu kitundu kyabwe kyakuba nababbi. Ababbi bangi nnyo mu kitundu kino era abalina amaduuka osanga basibyewo ne kkufulu naye nga baleesa ebiti bye bayisaamu enjegere ze bayisa ne mu minnyolo gy'enzigyi zisobole okuggumira ddala ng'omubbi tasobola kuzimenya.

Abantu bagezezzaako okulwanyisa ababbi naye bakyalemeddwa okubamalawo. Abamu ku bavubuka ababba banywi ba njaga era nayo kizibu kinene mu kitundu kino.

Oba

Kyusa ekitundu kino okizze mu Luganda.

- 2 b) Next month several educationalists and those interested in education will gather in Kampala for a conference on reading. Their aim is to revive the reading culture in Uganda. It's timely. In most government schools and even some private ones reading has been scrapped off the time table.

The time which used to be for reading is now utilized for pumping more facts into the children's young brains. Perhaps the teachers and school administrators are not to blame much because it's the government's education system that is faulty. In an examination oriented system you will excuse teachers for teaching the children to cram. They must pass the exams.

Many parents fully support this type of education system which is examination oriented because what they want is good first grades for their children regardless of whether they have learnt and mastered the subject content or not. It's time to change all and parents must be at the fore front of reviving the reading culture right from home where these young generations grow from.

Government has over and over again emphasized the value of science to the industrialization of our nation. The motherland Uganda. However reading is equally valuable otherwise there is likely to be the body to read scientific instructions.

Reading must begin at home and spread like a burning fire that set the huge forest ablaze and spread out to school since charity begins at home if it's to be revived. The child should be helped and not punished. Parents should or need to instill the spirit and skills to children to have interest and desire to read right from home in mother or home language and teachers at school will only supplement and polish to revive the reading culture.

(Partial extract from the New Vision July 28 / 2003 with minor modification.)

KOLA EBIBUZO 3(a) NE 3(b)

3. a) Jjuza ebisoko ebituufu mu mabanga agalekeddwawo (obubonero 20)
- i) Ennaku zino emmere equa..... era abantu abasinga balya kimu.
 - ii) Tokiia yalaba baagala kumutuula ku n'abaka ebbeere iy'omuwaala.
 - iii) Olumbe lulumye mwana muwaala oli era okuwona emagombe anaasimbayo.....
 - iv) Ssenga wa Namata yamubuulirira nnyo era namukuutira aleme kutwalira mu n'abaka.
 - v) Olwaleero banna Kenya kkumi balusuddemu..... mu bubenje bw'ebidduka obwenjawulo.
 - vi) Nalaba atandika olubuno ng'ekkoovu erirya akatiko ne musegulira nga siimusobole.
 - vii) Ennyama eyaliibwa mu lumbe lwa Tabbiisa Mawemuko yali mpitirivu era bonna abaagenda okwabya baalya nebasindisa n'e.....
 - viii) Omuwala Ttendo Simulungi Kubanga abalenzi bonna bammwegwanyiza okumuwasala..
 - ix) Nyina wa Balungi obulungi yabuggya ku nnyina Nsiiti anti munnange akakerenda kava ku.....
 - x) Kaawonawo newankubadde yali mulwanyi nnamige naye yali mubi ng'a..... n'endiga.
3. b) Ddamu ebibuuzo ng'osinziira ku Kaboozi Kano wammanga.
Muwala wange Namukasa aiese wano akawoowo wabadde atudde. Mwattu kampunyira bulungi ddala okusinga obwabulijjo.
- i) Wandika amannya ageeyambisibwa mu kaboozi ako waggulu (Obubonero 03)
 - ii) Leeta ebikolwa bisatu (3) okuva mu kaboozi akakuweereddwa. (Obubonero 03)
 - iii) Amannya ago g'ogyee mu kaboozi buli limu lisse mu lubu mwe ligwa (Obubonero 03)
 - iv) Wandika Nakongezakikolwa ey'eyambisiddwa mu kaboozi k'osomye. (Akabonero 01)

BIKOMYE WANO.

335/1
LUGANDA
Paper 1
July/August 2012
2 hours



WAKISSHA JOINT MOCK EXAMINATIONS

Uganda Certificate of Education

LUGANDA

Olupapula olusooka

Essaawa bbiri (2)

EBIRAGIRO:

- *Olupapula lulimu ebitundu bibiri: A ne B*
- *Mu kitundu 'A' mulimu nnamba 1(a) ne (b). Londako (a) oba (b).*
- *Mu kitundu B, mulimu nnamba 2 ne 3. Nnamba 2, londako (a) oba (b).*
- *Nnamba 3 yonna ya buwaze.*

EKITUNDU A

1. Kola 1(a) oba 1(b).

- (a) Ku mitwe egikuweereddwa wammanga londako omutwe gumu owadiike emboozi ya bigamba ebikumi bina (400). *(obubonero 50).*
- i) Emirembe ngalo.
 - ii) Enkola y'okulanga abayizi abakoze obulungi ebibuuzo ku madaala agenjawulo mu Ggwanga, ku mikutu gy'empuliziganya asaana kudibizibwa. Kubanganya ebirowoozo.
 - iii) Bambi mwana muwala yawemuka bwatyo lwa byanfuna!
 - iv) Obukulu bw'okwabya ennyimbe mu Buganda.

oba

(b) Ku mitwe gino londako ebiri buli gumu oguwandiikeko emboozi ya bigambo nga bwebiragiddwa. *(buli gumu obubonero 25)*

- i) Wandikira Sipiika wa Palaamenti ya Yuganda ng'omunyonnyola obuzibu obwenjawulo bannayuganda bwebayitamu nga buva ku kugootaana kw'ebyenfuna muggwanga. *(kozesa ebigambo nga 170)*
- ii) Ggwe wabaddewo ng'abatuuze bakwata era ne batta omuvubuka eyabadde abbye omwana n'ekigendererwa eky'okumusaddaaka. Wandika eggulire erinaafulumira mu lupapula olumu olwamawulire. *(kozesa ebigambo nga 190)*
- iii) Ggwe mukungu atwala ekitundu kyammwe wandika ebigambo byonaayogera mu lukunjaana lwonootuuzza ng'obategeeza ensibuko y'obubenje bw'ebidduka obususse mu kitundu ky'otwala. *(kozesa ebigambo nga 200)*
- iv) Oli muzadde wa Nassuuna. Ekiseera kye eky'okuddayo ku ssomero kituuse. Mutuuzze omubuulirire engeri gyasaanidde okweyisaamu asobole okumaliriza emisomo gye obulungi. *(kozesa ebigambo 150)*

2. a) Funza ekitundu kino mu bigambo nga 100

(bubonero 20)

Mugabi yali muvubuka mbulakalevu eyali asomera mu siniya ey'okuna mu Nyweddemalwa S.S., yali mumpi wakataketakke ate nga mumyufu ng'ettungulu oba gamba nga mumyufu ng'endeku!

Omuwubuka ono yali mwana wa Pulofeesa eyali akakkalabiza emirimu gye mu kubangula; okusomesa abaana b'eggwanga Yuganda wali ku kasozi kaabayivu e Makerere, e Kampala.

Lumu yayambalira ku mabega ng'enswa n'abiteekamu engatto era ne yessa mu ddene, eddemeezi, n'alyoka ayolekera ekkubo erigenda ewa kinyoozi mwami Masambu okuba ng'amumwako omuviiri ogwali gumyuse ng'omuwemba ate nga gumuwanvuyeeke gukirako ogw'omusambwa. Ku mutwe gwe gwali gumumazeeko egya Nakakaawa, nhamba emirembe era nga zimubuzizzaako obwekyusizo okumala ebbanga ddene bulala! Kinyoozi ono, mwami Masambu Willy ge gaali amannya ge, yali musajja mumpi awunya ettaka era bano be baakazaako ba 'Nsitulandabe omugole'; era yali nzaalwa enkulize ye Zambiya. Omulimu gwe yali agukakkalabiza mu zooni y'e Katanga wali e Wandegaya ku njeogooyego z'ekibuga Kampala; ekibuga ekikulu eky'eggwanga nnyaffe Yuganda.

Amangu ddala nga yakagoba bumale; yakatuuka ewa Masambu kinyoozi omuzambiya mwana mulenzi ono, mutabani wa Pulofeesa omulamba e Makerere yeegayirira n'atuuka n'okukuuta akalevu ku ddimwa; ettaka bamusalireko kubisale, oluvannyuma lw'okwegayirira ebbanga eggwanvu ennyo ddala bwatyo yamatiza Masambu era ne batuuka kunzikiriziganya. Masambu yakkiriza okumuggyako ebisale bya nnusu ebikumi bina eza Yuganda obutafaananako abantu abalala bonna be yasaliranga olukumi buli mutwe gwa muntu kaabe mukadde ng'aweddekumpagala, akootakoota, muvubuka mbulakalevu kalibe bbujje erikyayonka; ebisale ebyali bimanyiddwa buli muntu. Ate ekyewuunyisa ennyo ensimbi zino mwana mulenzi mutabani wa Pulofeesa omulamba teyali wa kuzisasulirawo buliwo ku lunaku olwo wabula okuzisasula mu bbanga lya luvannyuma lwa nnaku bbiri nnambirira teebereza!

Mugabi yali musanyufu bya nsusso era yali akirako akabwa akasibe ku ggaali era essanyu lye yalina mu budde obwo nga lisingako eryomwoki wa gonja. Ne Masambu, kinyoozi ow'e Katanga, e Wandegeya naye essanyu lye lyali lisingako ery'omusezi atudde awali omulwadde omuyi ennyo aliko ekikuba omukono! Era mu mbeera eyo Masambu weyatandikira omulimu ogw'okumwako enviiri z'okumutwe ze wategedde edda nti zaali myufu ng'omuwemba ate nga mpanvu ng'ezomusambwa!

Eky'ennaku era ekikuba ennyo encukwe, mu bbanga ttono nnyo ddala eritasussa na ddakiika ttaano amasannyalaze we gaaviirako ne geddirayo ewa bugo (ewaabwe waago) eri ku mugga Kiyira e Jinja mu Basoga gyegava bulijjo okubuna eggwanga lino Yuganda nnyaffe n'ensi ezimu ezitwetoolodde. Essanyu lyabwe bombi lyali lya kiyitamuluggya; lyali lya kaseera buseera bambi! Kubanga Masambu; kinyoozi teyalima ngeri ndala yonna kumwa mwana wa Pulofeesa ono era yatambulirawo bwatyo!

Kale tebereza omwana wa Pulofeesa omulamba omumanyifu okusalimbira mu nguudo z'ekibuga ekikulu eky'eggwanga mu budde obw'emisana ttuku nga mumweko kitundu kya mutwe! Kyali bwe kityo kubanga mu bulamu bwe bwonna gye bwali buva ne gye budda nga Mugabi tayagalirangako ddala okumwako enviiri ze ez'okumutwe nga yeeyambisa ejjirita oba makansi. Abavubuka obalabye nga bwe balempera ku nsonga!

2. b) Kyusa ekitundu kino mu luganda.

(Obubonero 20)

Passive smoking claims more than 600,000 lives each year around the world, an estimated 1 percent of all deaths, a major study has found.

Children are the group most heavily exposed to secondhand tobacco smoke, and around 165,000 of them die as a result, said researchers.

The world Health Organisation (WHO) study is the first to assess the global impact of inhaling other people's smoke.

Based on 2004 data, the figures show smoking in that year killed almost six million people, either actively or passively by claiming the lives of non-smokers.

Second hand smoke was believed to have caused 379,000 death from heart disease, 165,000 from respiratory infections, 36,900 from asthma and 21,400 from lung cancer.

On the basis of the proportions of secondhand smoke exposure, as many as 40 percent of children, 35 percent of woman are regularly exposed to secondhand smoke indoors.

We have estimated that secondhand smoke caused 603,000 deaths world wide in 2004, corresponding to 1 percent of all deaths. (Partial extract from Red pepper, Thursday December 02, 2010 page eleven).

3. a) Jjuza ebisoko ebituufu mu mabanga agalekeddwa mu ssentensi zino wammanga. (Obubonero 20)

- i) Kirimuttu olunaku lwe yali agenderako e Bulaaya yakeera nnyo era enkoko yagikwata.....asobole okusanga ennyonyi nga tennaba kusitula ku muleka.
- ii) Olw'obulungi bwa Nalunga obwamukubanga ne ku..... buli musajja yafubanga nnyo okumuwasa naye yagaana okufumbirwa.
- iii) Mwami Tayise ennaku zino amatooke ageetokoseza anti mukyala we yagenda dda n'abayidde e..... era kati muwuulu.
- iv) Ssekalegga bwe yajja ku kibuga nga mukyafu ba Musoke baamusenza luti nga.....
- v) Kisoobooza muliraanwa wa Tabbiisa ensimbi zonna ze baamuteresu yazissa ku mutaka w'e....., ssezinyo.
- vi) Nassejje olw'okuba yali tanyigirwa mu.....yafuba n'afutiza Tokiia bwe yamujooga.
- vii) Mazuuku lweyalwanagana ne kizibwe we abantu baakunnaana bangi era we baabataasiza nga buli omu entuuyo azisaza.....
- viii) Ddala gy'oyigiriza ekyeso akugobya.....gwe ate tolaba omwana gweyasomesa bw'amusinze okuddamu ebibuuzo.
- ix) Mu kaseera mpa we.....tujja kuba tutuuse gye tulaga.
- x) Okumala ebbanga eryo lyonna Tokiia yali takomba nga ku.....ya tulo era olwali okugwawo ng'ayira.

b) i) Soma akaboozi kano n'oluvannyuma oddemu ebibuuzo wansi waako.

(obubonero 10)

Omuwala Nalumansi yakanda kulinda nnyina okumunona lwebaawummula nga tamulaba, kubanga nnyina yasooka kwekolera mirimu gy'awaka n'alyooka alowooza okujja mu ppaaka ng'ava kuwaata mmere. Yali atuuka ati ku ssomero nga ne bba abasomesa babadde bamukubidde essimu anone ezzadde lye anti nnyina teyalina ssimu.

- Wandikayo ebikolwa ebiteemala bina ebirabikidde mu kaboozi ako.

(obubonero 4)

- Nokolayo Nakataba(Nakayunzi) ssatu ezirabikidde mu kaboozi ako.

(obubonero 3)

ii) Golola ensobi ezikoledwa mu bigambo bino wammanga:

- Sserwajja okwota.
- Kiri mu ttu.
- Jjajja wange.

(obubonero 3)

BIKOMYE WANO.

335/1
LUGANDA
Paper 1
July/August 2009
2 Hours

WAKISSHA JOINT MOCK EXAMINATIONS
Uganda Certificate of Education
LUGANDA
Paper 1
2 Hours

EBIRAGIRO

- *Olupapula lulimu ebitundu bibiri; A ne B*
- *Mu kitundu A mulimu nnamba 1(a) ne (b)*
- *Londako (a) oba (b)*
- *Mu kitundu B, mulimu nnamba 2 ne 3. Nnamba 2, londako (a) oba (b)*
- *Nnamba 3 yonna ya buwaze.*

EKITUNDU A

Kola nnamba 1(a) oba 1(b) mu kitundu kino:-

- 1) a) Ku mitwe egikuweereddwa londako gumu oguwandiikeko emboozi ya bigambo 400.
 - i) Etteeka ly'okulumika essimu z'abantu lyetagisa. Kubaganya ebirowoozo.
 - ii) Mwana muwala ansuula ku kyokya.
 - iii) Sserwajja okwota
 - iv) Abasaabaza abantu ku bupikipiki (bodaboda) basaana kuwera. Wandika ng'owakanya endowooza eno..

Oba

- b) Ku mitwe gino londako ebiri buli gumu oguwandiikeko emboozi etasukka bigambo 200.
 - i) Ssengawo gwobeera naye y'akulira ebyenjigiriza mu ggwanga, Akuwadde ebisale by'essomero n'oddayo ku ssomero. Muwandiikire ebbaluwa ng'omusaba ebyetaago ebinaakuyamba okuyita obulungi S.4 omwaka guno.
 - ii) Emmotoka etomedde omuvubuka ng'adduka obutakwatibwa abo abookeddwako enju yaabwe. Waandiika eggulire, erinaafulumira mu lupapula lw'amawulire g'oluganda.

- iii) Gwe mukungu avunanyizibwa ku nsonga z'ebyenjigiriza mu kitundu kyammwe. Wandika ebigambo by'onoogamba abatuze bomu kitundu kyammwe ku buzibu obusangibwa mu nkola ya bonna basome mu ssiniya.
- iv) Gwe Ssentebe eyakulemberamu okunoonyereza ku kiviiriddeko ekisaddaaka baana ensangi zino okweyongera. Wandika alipoota gy'onoyanjulira olukiiko ku ebyo bye mwazuula ng'obanyonyola ebyava mu kunoonyereza.

EKITUNDU B

Kola ekibuuzo 2(a) oba 2(b)

- 2) (a) Funza ekitundu kino mu bigambo nga 100

Bakulumpagi yali muvubuka eyajjula embazuulu atanywa guteeka, atanyigirwa mu nnoga era nga taggyikako lukamy. Bwatyo bavubuka banne yabakaabyanga akayirigombe abandi yabalabyanga eza Kyobe n'abandi n'abakekemya nga bukoko naddala abo beyasomanga nabo mu Kyawamala primary school, gye baali baamukazaako luliiramunnya. Olw'okuba omuwagguufu ennyo ate nga muwanvu ng'omuvule ate ng'alina eddobozi kkangabaana lye nnyini.

Amagezi ge mu byokuyiga n'okukwata ebimusomesebwa yali yagaleka wansi. Bweyabuuzibwanga ekibuuzo mu kibiina ng'adda mu kutunula mpwangali ng'embwa essudde ekyuma n'olundi natangaalirira ng'azadde ekifudde ko n'okutuzza eriiso ng'embwa erwazizza ginnayo. Ebigambo olumu byamusoberanga n'atuuka n'okwagala okwoza ku mmunye anti ng'asobeddwa eka ne mukibira. Olwo ekibuuzo ekyabanga kimubuuziddwa omusomesa amuyigiriza n'akisimba ba mumpi awunya ttaka nga Namataaba ne Ssekawungu mu kutemya kwa liiso nga bwakiwuuse dda buva olwo nga Bakulumpagi n'ava mu kuswala n'aswaluka.

Nga bajjajaffe bwe baagereesa nti Ssajjabi teribulako kalungi kaalyo: Bakulumpagi bwe yatuukanga mu kusamba akapiira mu kisaawe nga zinadda

okunywa nga kyamuziro omupiira okuggwa nga tatebyeyo kagoba! Yeegiriisanga nnyo mu kisaawe ng'ekigotta entula era bwe yabulanga mu kibinja ekigenda okuzannya ng'omupiira gujula kusazibwamu. Ate bweyatuukanga mu kuyimba, amazina n'okukuba ebivuga mu kkwaya y'essomero nga tewali amuwa mutwe. Wano Katonda yakwasaako emikono ebiri n'amubunduggulira emikisa gyonna. Era ebirabo by'esomero kaabula kata abimaleko banne anti nga takooka bitooke bye bigwa ate nga tayimba awenneenya mbwa ate mu kunyeenya agaliba enjole nga mu kiwato olowooza yali talinaamu ggumba lyonna.

Yalaba eby'okuyiga mu ssomero nga bimulemeredde n'asibamu ebyanguwa n'addayo okwa boobwe e Kyamakonda mu disitulikiti ye Nakasongola eyo gye yeegattira ku ttiimu y'essaza ey'omupiira n'alyoka ayoleseza eyo ekitone kye eky'okuzannya omupiira mu mpaka z'amasaza g'obwakabaka bwa Buganda mu 1999. Eyo gye yava ne yegatta ku ttiimu y'omupiira mukwano gwabangi 'Express' bweyatuuka eyo ne yeeriisa enkuuli era omwaka ogwa 2000 beebaasitukira mu kikopo.

Omwaka ogwaddirira mu mpaka za 'CECAFA' yazannya omupiira n'ensi neetuuka okumuggyirako enkufiira ku mutwe era Yuganda kw'olwo ekikopo yadda nakyo mu ttaano lwa Bakulumpagi era ttiimu ya 'Liverpool' yakansa mukanse n'emutwaala era kati gy'agukyangira. Eggwanga limwenyumiririzaamu nnyo olw'obutitimbe bw'ensimbi zaayingiza mu ggwanika ly'eggwanga. Bwe kityo ebitone bifuuse ebitone, amagezi g'ebitabo bwe gagaana weesibe nnyo ku kitone Katonda kyeyakuwa tokituliranga, ani yali amanyi Luliiramunnya Bakulumpagi alinnya ku bbaati!

Oba

- 2) (b) Kyusa ekitundu kino mu Luganda.

Whenever I am counseling parents, I tell them to dress their children appropriately. A healthy seven year old child may look many years older. The mistake some parents make is to dress children in revealing clothes like mini skirts and tight trousers. When a man looks at such children, he sees a grown woman. Men are enticed by what they see. If we don't dress our children properly, we risk them being defiled.

I have brought up my children to let their light shine in the world. Nowadays most women and girls wear trousers that leave nothing to the imagination, but I told my children that even if it is the trend, they should not be like the people of the world, but rather an example. All my children have complied with this rule and even at university they do not wear trousers. One of my nieces is supposed to wear trousers at her job, but she still wears her usual clothes on the way to work. She changes on her arrival and puts on her dress again before going back home.

When they joined university, we bought them mobile phones because we did not want another person with ill motives to deceive them using phones.

God has been good to our children. None of them has even been admitted to hospital. Three of them are university graduates, the first in our clan.

Our children excelled because whenever they did their examinations, we obtained their timetables and prayed and fasted for them at the same time they were sitting the examinations.

When it comes to dating, we encourage our girls to bring any one interested in them home so we can advise them. But mostly we pray for them.

(Extracted from: Sunday Vision, December, 7, 2008

Partial article as told to Maureen Nakatudde.)

EKITUNDU C
Kola 3 (a) ne 3 (b)

- 3) (a) Jjuza ebisoko ebituufu mu mabanga agalekeddawo.
- i) Ekiri mu kkongokinegula era wenjogerera abantu nkaaga z'embuyaga ezikaza engoye.
- ii) Awo mwattu odda mu Baganda banno bw'oba okyalowoolereza mw'ebyo nze nkweyawuddeko.
- iii) Omulenzi oyo bamuyita lukolotera mu.....gwe ssebo atayisa muwala yenna!
- iv) Yalwawo ng'anoonya omuguzi, ddaaki n'afuna omuyindi ko ye nti 'owange ezigwa mu.....z'enswa mala gampa ezo.
- v) Abayizi ebibuuzo by'olulimi oluganda baabiwuuse buva era bonna kati batuuza ya.....
- vi) Mukiibi bamutambuza nga banoonya obululu era katono bamusuule ne.....
- vii) Omwenge Musoke gweyayisizza ku luno n'o.....asena
- viii) Namujjuzi yatimba maama we.....ku maaso n'amutwalako emitwalo kkumi ng'alimbye nti ezaali ez'ebisale by'essomero baazibba.
- ix) Omuyigiriza bwe yabadde abuulira abayizi abagenda okutuula ebigezo bya WAKISSHAyalitadde ku mpandiika ennungi.
- x) Okusoma kw'obukulu ddala kuba kwa kaweerege ng'e.....ery'obukulu, anti kubonyabonya nnyo abantu.

3) (b) (i) Ddamu owandiike sentensi zino wammnaga nga ziri mu kiscera ekinajja nga weeyambisa ekikolwa ekiyambi.

- Tunaamulaba nga tutuuseeyo
- Nnaalya nga njagadde
- Mwasoma bulungi

ii) Wandika sentensi bbiri nga ziri mu muntu asooka mu bumu

.....

.....

.....

.....

.....

.....

.....

BIKOMYE